لَنَا وَارْحَمْنَا ، أَنْتَ مَوْلَانَا فَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ
الْكَافِرِينَ ﴿

101 - ((AAMANA RRASSUULU BIMAA
UNZILA ILAIHI MIN RABBIHI WAL-MU-
UMINUUN , KULLUN AAMANA BILLAHI
WAMALAAIKATIHI WAKUTUBIHI
WARUSULIHI , LAA NUFARRIQU BAINA
AHADIN MIN RUSULIH , WAQAALUU SAMI-
ANAA WA ATWA-ANAA GHUFRAANAKA
RABBANAA WAILAUKAL-MASWIIR , LAA
YUKALLIFU LLAHU NAFSAN ILLA WUS-
AHA , LAHA MAA KASABAT WA ALAIHAA
MAAQTASABAT , RABBANAA LAA TU-
AAKHIZHNA IN NASIINAA AW-AKH-TWA-
ANA , RABBANAA WALAA TAHMIL
ALAINAA ASW-RAN KAMAA HAMALTAHU
ALA LLAZHIINA MIN QABLINA ,
RABBANAA WALAA TUHAMMILNAA MAA
LAA TWAAQATA LANAA BIHI , WA-AFU
ANNA WAGHFIR LANAA WAR-HAMNAA

ANTA MAULAANAA FANSWURNAA ALAL-
QAUMIL-KAAFIRIIN)).

Amakulu :

(Omubaka Muhammadi yakkiriza ebyo ebyassibwa jaali okuva eri omulezi we Allah , nabakkiriza (nabo bakkiriza) , Buli omu kubo yakkiriza Allah nebamalaikabe n'ebitabobye n'ababakabe (nebagamba nti) tetwawula wakati w'omu kubabakabe (tubakkiriza kyenkanyi) era baagamba nti tuwulidde era tugonze , omulezi waffe (tukusaba) okusonyiwakwo era jooli yeeri obuddo . Allah talaalika kumuntu kukola kintu kyonna okujjako ky'asobola , alina empeera kwekyo kyakoze ekirungi era alina okuvunaanwa kw'ekyo kyakoze ekibi ,

(era basaba nti) omulezi waffe totuvunaana bwetuba nga twerabidde oba tusobezza , mulezi waffe totutikka mugugu muzito nga bwewagutikka abo abaatukulembere , mulezi waffe totutikka ebyo byetutasobola , tusonyiwe era tusanguleko eby'onoono byaffe otusaasire , ggwe mulezi waffe (tukusaba) otutaase ekibiina ekiwakanyi ekijeemu) .

NB. Omuntu asoma aya ezo zombiriri ekiro zimumalira okuwona obuzibu bwonna mukiro ekyo .

۱۰۲ - ((بِاسْمِكَ رَبِّي وَضَعْتُ جَنْبِي ،
وَبِكَ أَرْفَعُهُ ، فَإِنْ أَمْسَكَتَ نَفْسِي فَارْحَمْهَا

،وَإِنْ أَرْسَلْتَهَا فَاحْفَظْهَا بِمَا تَحْفَظُ بِهِ عِبَادَكَ
(الصَّالِحِينَ) .

102 - ((BISMIKA RABBII WADHA-ATU
JAMBII , WABIKA ARFAUHU , FAIN
AMSAKTA NAFSII FARHAM-HA , WAIN
ARSALTAHAA FAHFAZW-HAA BIMAA TAH-
FAZWU BIHI IBAADAKA SSWAALIHIIN)) .

Amakulu :

(Kulw'erinnyalyo omulezi wange
ntaddewo olubiriizi lwange (n'ebake) ,
era ndujjawo (nzuukuka)
kulw'obuyinzabwo (nkusaba) bw'oba
otutte omw'oyo gwange ogusaasire ,
naye bw'oba okyandeseewo akaseera ,
omw'oyo gwange gukuume n'ekyo
ky'okuuma nakyo abaddubo
abalongoofu) .

NB. Nabbi (S.A.W) yatulunganya nti omu kuffe bwaavanga mubuliribwe tabuddangamu okujjako nga amaze okubukubaakubako emirundi esatu (3) era asome erinnya lya Allah aly'oke y'ebake , kuba tamanyi ky'amusikidde weyabuviiridemu , bwamala okwebakira kuludda lwe olwaddyo asome edduwa No. 102 .

١٠٣ - ((اللَّهُمَّ إِنَّكَ خَلَقْتَ نَفْسِي وَأَنْتَ تَوَفَّاهَا ، لَكَ مَمَاتُهَا وَمَحْيَاهَا ، إِنْ أَحْيَيْتَهَا فَاحْفَظْهَا ، وَإِنْ أَمَتَّهَا فَاعْفِرْ لَهَا ، اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ الْعَافِيَةَ)) .

103 - ((ALLAAHUMMA INNAKA
KHALAQTA NAFSII WA ANTA
TAWAFFAAHA , LAKA MAMAATUHA
WAMAHYAAHA , IN AHYAITAHA
FAHFAZWHA , WA IN AMATTAHAA
FAGHFIR LAHA , ALLAHUMMA INNII AS-
ALUKAL-AAFIYAH))

Amakulu :

(Ayi Allah mazima ggwe watonda omw'oyo gwange era ggwe agufiisa , okufa kwagwo n'obulamu bwagwo biri mumikonojo . nkusaba bw'oba oky'aguwadde obulamu ogukuume , naye bw'oba ogufiisizza nkusaba ogusonyiwe . Ayi Allah mazima nze nkusaba obulamu obulungi) .

۱۰۴- ((اللَّهُمَّ قِنِي عَذَابَكَ يَوْمَ تَبْعُثُ

عِبَادَكَ))

104 - ((ALLAHUMMA QINII AZHAABAKA YAUMA TAB-ATHU IBAADAKA)) *3 .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba onkingirize ebibonerezobyo kulunaku lw'ogenda okuzuukiza abaddubo) .

NB. Edduwa eno eddibwamu emirundi esatu (3) , era nabbi (S.A.W) yassanga omukonogwe ogwaddyo wansi wettamalye n'alyooka ajisoma .

۱۰۵ - ((بِسْمِكَ اللَّهُمَّ أَمُوتُ وَأَحْيَا)) .

105 - ((BISMIKA ALLAHUMMA AMUUTU WAAHYAA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah kulw'erinnyalyo (n'ebaka) ne nfa era nenzuukira) .

١٠٦ - ((سُبْحَانَ اللَّهِ (33) وَالْحَمْدُ لِلَّهِ (33)
 وَاللَّهُ أَكْبَرُ (34) .

106 - ((SUBHAANA LLAH)) *33 ((WAL-
HAMDU LILLAH)) *33 ((WALLAHU AKBAR
)) *34 .

Amakulu :

(Allah wanjawulo nnyo! , n'amatendo
amalungi gonna ga Allah , era Allah
munene nnyo) .

NB. Omuntu ayogera ebigambo ebyo
mukiseera wagendera okw'ebaka ,
kimusingira okuba n'omuweereza .

١٠٧ - ((اللَّهُمَّ رَبَّ السَّمَاوَاتِ السَّبْعِ وَرَبَّ
الْعَرْشِ الْعَظِيمِ ، رَبَّنَا وَرَبَّ كُلِّ شَيْءٍ ، فَالِقَ

الْحَبُّ وَالْتَوَى ، وَمُنْزِلَ التَّوْرَةِ وَالْإِنْجِيلِ
 وَالْفُرْقَانَ ، أَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّ كُلِّ شَيْءٍ أَنْتَ
 آخِذٌ بِنَاصِيَتِهِ . اللَّهُمَّ أَنْتَ الْأَوَّلُ فَلَيْسَ قَبْلَكَ
 شَيْءٌ ، وَأَنْتَ الْآخِرُ فَلَيْسَ بَعْدَكَ شَيْءٌ ، وَأَنْتَ
 الظَّاهِرُ فَلَيْسَ فَوْقَكَ شَيْءٌ ، وَأَنْتَ الْبَاطِنُ
 فَلَيْسَ دُونَكَ شَيْءٌ ، اقْضِ عَنَّا الدَّيْنَ وَأَغْنِنَا
 مِنَ الْفَقْرِ)) .

107 - ((ALLAHUMMA RABBA
 SSAMAAWAATI SSAB-I WARABBAL-
 ARSHIL-AZWIIM , RABBANA WARABBA
 KULLI SHAY-IN , FAALIQAL-HABBI
 WANNAWAA WAMUNZILA TTAURAATI
 WAL-INJIIL WAL-FURQAAN , AUUZHU BIKA
 MIN KULLI SHAY-IN ANTA AAKHIZHUN

BINAASWIYATI. ALLAHUMA ANTAL-AWWALU FALAISA QABLAKA SHAY-UN WA ANTAL-AAKHIRU FALAISA BA-ADAKA SHAY-UN WA ANTA ZZWAAHIRU FALAISA FAUQAKA SHAY-UN , WA ANTAL-BAATWINU FALAISA DUUNAKA SHAY-UN , IQ-DHI ANNAA DDAINA WA AGHNINAA MINAL-FAQR)) .

Amakulu :

(Ayi Allah omulezi w'amagulu omusanvu era omulezi wannamulondo engulumivu , mukama waffe era omulezi wabuli kintu , ameza empeke nensigo , nannyini kussa Tauraati ne Enjiil ne Qur'an , n'ewogoma jooli omponye obubi bw'abuli kintu ky'owaniridde akawompo kaakyo , Ayi Allah ggwe eyasooka teri kintu lubereberyelwo , era ggwe asembayo tewali kiriwo luvannyumalwo , ggwe

ow'olwaatu teri kiri wagguluwo , era
ggwe ow'omunda awatali ky'ekusifu
ky'otomanyi . nkusaba otumalire
amabanja era otuwonye obw'avu) .

١٠٨- الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَطْعَمَنَا وَسَقَانَا،
وَكَفَانَا، وَأَوَّانَا، فَكَم مِمَّنْ لَا كَافِيَ لَهُ وَلَا
مُؤْوِي .

108 - ((AL-HAMDU LILLAHI LLAZHII ATW-
AMANAA , WASAQAANAA , WAKAFAANAA
, WA AAWAANAA , FAKAM MIMMAN LAA
KAAFIYA LAHU WALAA MU-UWIYA)) .

Amakulu :

(Amatendo amalungi gonna ga Allah
oyo atuliisizza era n'atunywesa ,
n'atumalira era n'atuwa wetusula ,

kale bameka abatalina abamalira wadde abawa aw'okusula) .

١٠٩ - ((اللَّهُمَّ عَالِمَ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَاطِرَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ، رَبَّ كُلِّ شَيْءٍ وَمَلِيكَهُ ، أَشْهَدُ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ ، أَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّ نَفْسِي ، وَمِنْ شَرِّ الشَّيْطَانِ وَشَرِّكَه ، وَأَنْ أَكْتَرِفَ عَلَى نَفْسِي سُوءًا ، أَوْ أُجْرَهُ إِلَى مُسْلِمٍ)) .

109 - (Edduwa eno ewandiikiddwa era nevvuunulwa kudduwa No. 85 , . Nabwekityo era esomebwa nga ogenda okwebaka .

110 - Nabbi (S.A.W) talina lweyagenda kw'ebaka okujjako nga asomye essuurah bbiri (Sajidah 32) ne (Mulk 67) . N'awe bw'oba ogenda okwebaka kirungi nnyo okusoma essuula zino ebbiri , kuba zigenda kuwolereza eyazisomanga) .

١١١ - ((اللَّهُمَّ أَسَلَمْتُ نَفْسِي إِلَيْكَ ،
 وَفَوَّضْتُ أَمْرِي إِلَيْكَ ، وَوَجَّهْتُ وَجْهِي إِلَيْكَ
 ، وَأَلْجَأْتُ ظَهْرِي إِلَيْكَ ، رَغْبَةً وَرَهْبَةً إِلَيْكَ
 لَا مَلْجَأَ وَلَا مَنَاجَا مِنْكَ إِلَّا إِلَيْكَ ، آمَنْتُ
 بِكِتَابِكَ الَّذِي أَنْزَلْتَ وَبِنَبِيِّكَ الَّذِي أَرْسَلْتَ)).

111 - ((ALLAHUMMA ASLAMTU NAFSII
 ILAIKA , WAFAWWADHITU AM-RII ILAIKA ,
 WAWAJJAHTU WAJHII ILAIKA , WA AL-JA-

ATU ZWAHRII ILAIKA , RAGHBATAN
WARAH-BATAN ILAIKA , LAA MAL-JA-A
WALAA MANJAA MINKA ILLA ILAIKA ,
AAMANTU BIKITAABIKA LLAZHII
ANZALTA WABINABIYYIKA LLAZHII
ARSALTA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah njemulukuse nenzira jooli ,
ensonga zange nzikulekedde , era
njolekezza ekyeenyi kyange jooli ,
nembudanya omugongo gwange jooli ,
nga n'egomba okusaasirakwo
n'okusonyiwakwo era nga ntya
ebibonerezobyoo , tewali buddo wadde
obuwonero okujjako okudda jooli .
Nzikirizza ekitabokyo (Qur'an) ekyo
kyewassa , nenabbiwo (Muhammad
S.A.W) oyo gwewatuma)

NB. Bw'oba oyagala okugenda okw'ebaka funa wudhu nga agenda okusaala oluvannyuma webakire kuluddalwo olwaddyo osome edduwa eyo . Nabbi (S.A.W) yagamba nti omuntu singa akola bw'atyo n'amala afiira mukiro ekyo afiira kubutonde bwennyini .

**29 – EDDUWA ESOME BWA NGA
W'EKYUUSA EKIRO OKUDDA
KULUDDA OLULALA**

۱۱۲ - ((لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ، رَبُّ
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا الْعَزِيزُ الْغَفَّارُ)).

**112 - ((LAA ILAAHA ILLA LLAHUL-
WAAHIDUL-QAHHAAR , RABBU**

SSAMAAWAATI WAL-ARDHI WAMAA
BAINAHUMAL-AZIIZUL-GHAFFAAR)) .

Amakulu :

(Teri asinzibwa mubutuufu okujjako Allah Nnamunigina omukasi , omulezi weggulu nensi n'ebyo ebiri wakati w'abyombiriri , ow'ekitiibwa omusonyiyi ennyo) .

**30 - EDDUWA ESOME BWA NGA
OFUNYE ENTIISA MUTULO ,
N'OYO AGEZESEDDWA
N'EKIWUBAALO .**

۱۱۳- (أَعُوذُ بِكَلِمَاتِ اللَّهِ التَّامَّاتِ مِنْ غَضَبِهِ
وَعِقَابِهِ ، وَشَرِّ عِبَادِهِ ، وَمِنْ هَمَزَاتِ الشَّيَاطِينِ
وَأَنْ يَحْضُرُونِ) .

113 - ((AUUZHU BIKALIMAATI LLAHI
TTAAMMAATI MINI GHADHABIHI WA
IQAABIHI , WASHARRI IBAADIH , WAMINI
HAMAZAATI SSHAYAATWIIN WA AN YAH-
DHURUUNI)) .

Amakulu :

(N'ewogoma eri Allah nga n'eyambisa
ebigambo bye ebijjuvu , okuwona
obusungubwe n'okubonerezakwe ,
n'obubi bw'abaddube , era n'okuwona
okulabankanya kw'amasitaani
n'okunseberera) .

31 – B'YAKOLA OMUNTU

ALABYE EKIROOTO EKIBI .

114 - (Awanda otulusulusu kuludda
lwe olwa kkono) emirundi esatu (3) .

– (Asaba okukingirizibwa amasitaani wamu n’obubi bw’ekirooto ky’aba alabye) emirundi esatu (3) nga agamba bw’ati ((AUUZHU BILLAAHI MINA SSHAITWAANI RRAJIIM)) .

– (Akyuusa oludda n’ava kuludda lw’abaddeko nga aloota) .

– (Ekirooto ekyo takinyumizaako muntu yenna) .

115 – (Azuukuka n’asaalayo Sunnah singa aba aky’agadde) .

32 – EDDUWA YA QUNUUTU EYAWITR (ESSWALA EY’EKIRO)

۱۱۶- (اللَّهُمَّ اهْدِنِي فِيمَنْ هَدَيْتَ ، وَعَافِنِي

فِيمَنْ عَافَيْتَ ، وَتَوَلَّنِي فِيمَنْ تَوَلَّيْتَ ، وَبَارِكْ

لِي فِيمَا أُعْطِيتَ ، وَقِنِي شَرَّ مَا قَضَيْتَ ، فَإِنَّكَ
تَقْضِي وَلَا يُقْضَى عَلَيْكَ ، إِنَّهُ لَا يَذِلُّ مَنْ
وَالَيْتَ [وَلَا يَعِزُّ مَنْ عَادَيْتَ] ، تَبَارَكَتَ رَبَّنَا
وَتَعَالَيْتَ .

116 - ((ALLAHUMMA IH-DINII FIIMAN
HADAITA , WA AFNII FIIMAN AFAITA ,
WATAWALLANII FIIMAN TAWALLAITA ,
WABAARIK LII FIIMAA AATWAITA ,
WAQINII SHARRA MAA QADHAITA , FA-
INNAKA TAQ-DHII WALAA YUQ-DHAA
ALAIKA , INNAHU LAA YAZHILLU MAN
WAALAITA , WALAA YA-IZZU MAN
AADAITA, TABAARAKTA RABBANAA
WATA-AALAITA)).

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba onteeke mw'abo
bewalungamya , era omponye mbeere

mw'abo abatalina ndwadde , onnonde
 mbeere mw'abo bodduukirira , ompe
 omukisa mw'ebyo byongabidde ,
 onkingirize buli kibi kyewagera ,
 mazima ggwe alamula , atalina
 akulamula , mazima tanyoomwa oyo
 gw'oyagala , era tagulumizibwa oyo
 gwo'tayagala , mulezi waffe erinnya
 lyo lyajjula emikisa , era oli
 w'awaggulu nnyo) .

١١٧-اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِرِضَاكَ مِنْ سَخَطِكَ ،
 وَبِمُعَافَاتِكَ مِنْ عُقُوبَتِكَ ، وَأَعُوذُ بِكَ مِنْكَ ،
 لَا أُحْصِي ثَنَاءً عَلَيْكَ ، أَنْتَ كَمَا أَثْنَيْتَ عَلَيَّ
 نَفْسِكَ .

117 - (Edduwa eno yawandiikiddwa era nevvunulwa kudduwa No. 47 .

١١٨ - ((اللَّهُمَّ إِيَّاكَ نَعْبُدُ ، وَلكَ نُصَلِّيُ
وَنَسْجُدُ ، وَإِلَيْكَ نَسْعَى وَنَحْفِدُ ، نَرْجُو
رَحْمَتَكَ ، وَنَخْشَى عَذَابَكَ ، إِنْ عَذَابَكَ
بِالْكَافِرِينَ مُلْحَقٌ ، اللَّهُمَّ إِنَّا نَسْتَعِينُكَ ،
وَنَسْتَعْرُكَ ، وَتُنِي عَلَيْنَا الْخَيْرَ ، وَلَا نَكْفُرُكَ
، وَتُؤْمِنُ بِكَ ، وَتَخْضَعُ لَكَ ، وَتَخْلَعُ مَنْ
يَكْفُرُكَ)) .

118 - ((ALLAHUMMA IYYAACA NA-
ABUDU ، WALAKA NUSWALLII
WANASJUDU ، WAILAIKA NAS-AA WANAH-
FIDU ، NARJUU RAHMATAKA WANAKH-
SHAA AZHAABAKA ، INNA AZHAABAKA

BIL-KAAFIRIINA MUL-HAQUN ,
ALLAHUMMA INNAA NASTA-IINUKA
WANASTAGHFIRUKA , WANUTH-NII
ALAIKAL-KHAIRA , WALAA NAKFURUKA ,
WANU-UMINU BIKA , WANAKH-DHAU
LAKA , WANAKH-LAU MAN YAKFURUKA))

Amakulu :

(Ayi Allah ggwe wekka gwetusinza ,
era tusaala netuvunnama kululwo ,
tweeyuna era twanguwa nga tudda
jooli , tusuubira okusaasirakwo
okunene , netutya ebibonerezobyo
ebiruma , mazima abakuwakanya
kyaddaaki ebibonerezobyo bijja
kubatuukako . Ayi Allah mazima ffe
tukusaba okuyambibwa ,
n'okusonyiyibwa , era tukusuuta
mungeri esinga obulungi ,
tetukujeemera , tukukkiriza era

netukugondera , era tw'esamba oyo yenna akujeemera) .

**33 – OKUTENDEREZA
OLUVANNYUMA LWA
SSALAAM EYA WITR .**

۱۱۹ - ((سُبْحَانَ الْمَلِكِ الْقُدُّوسِ)) ((رَبِّ
الْمَلَائِكَةِ وَالرُّوحِ)) .

119 - (SUBHAANA MALIKIL-QUDDUUS) *3
Ebigambo ebyo obyoogera emirundi esatu , kumulundi ogw'okusatu oyatulira ddala n'ositula neddoboozi , n'oyongerako n'ebigambo bino :
((RABBIL-MALAA-IKATI WA RRUUH)) .

Amakulu :

(Allah Yayawukana kubuli kyonna ekikendeevu , yemufuzi ow'ekitiibwa)

(Omulezi wa malaika zonna ne malaika Jibriil) .

**34 – EDDUWA Y'OKUWONYA
OKUWANKAWANKA
N'OKUNAKUWALA .**

١٢٠ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي عَبْدُكَ ، ابْنُ عَبْدِكَ ،
ابْنِ أُمَّتِكَ ، نَاصِيَتِي بِيَدِكَ ، مَاضٍ فِي حُكْمِكَ
، عَدْلٌ فِي قَضَائِكَ ، أَسْأَلُكَ بِكُلِّ اسْمٍ هُوَ
لَكَ ، سَمَّيْتَ بِهِ نَفْسَكَ ، أَوْ أَنْزَلْتَهُ فِي كِتَابِكَ
، أَوْ عَلَّمْتَهُ أَحَدًا مِنْ خَلْقِكَ ، أَوْ اسْتَأْثَرْتَ بِهِ
فِي عِلْمِ الْغَيْبِ عِنْدَكَ ، أَنْ تَجْعَلَ الْقُرْآنَ رَبِيعَ

قَلْبِي ، وَتَوَّرَ صَدْرِي ، وَجَلَاءَ حُزْنِي ،
وَذَهَابَ هَمِّي)) .

120 - ((ALLAHUMMA INNII ABDUKA ,
BUNU ABDIKA , BUNU AMATIKA ,
NAASWIYATII BIYADIKA , MAADHIN FIYYA
HUKMUKA , AD-LUN FIYYA QADHAA-UKA ,
AS-ALUKA BIKULLI SMIN HUWA LAKA ,
SAMMAITA BIHI NAFSAKA , AW-
ANZALTAHU FII KITAABIKA , AW-
ALLAMTAHU AHADAN MINI KHALQIKA ,
AW ISTA-ATHARTA BIHI FII ILMIL-GHAIBI
INDAKA , AN TAJ-ALAL-QUR'ANA RABII-A
QALBII , WANUURA SWADRII , WAJALAA-A
HUZ-NII WAZHAHAABA HAMMII)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nze ndi mudduwo ,
mutabanyi w'omudduwo , mutabanyi
w'omuzaanawo , akawompo kange
kali mumikonojo , okulamulakwo

kunze kwaggwa dda , okugerakwo kunze kw'abwenkanya . Nkusaba nga n'eyambisa buli linnyalyo lyew'eyita ggwe kennyini , oba walissa mukitabokyo , oba waliyigiriza omu kubitonde byo , oba waly'esigaliza nga liri mukumanya eby'ekweese kw'olina , (nkusaba) ofuule Qur'an ebeere ekigonza omutima gwange , era ekitangaala ky'ekifuba kyange , era ekijjawo okunakuwala kwange , era ojifuule ekijjawo okuwankawanka kwange) .

۱۲۱ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الْهَمِّ وَالْحَزَنِ ، وَالْعَجْزِ وَالْكَسَلِ ، وَالْبُخْلِ وَالْجُبْنِ ، وَضَلَعِ الدِّينِ وَغَلْبَةِ الرِّجَالِ)) .

121 - ((ALLAHUMMA INNII AUUZHU BIKA MINAL-HAMMI WAL-HAZANI , WAL-AJ-ZI WAL-KASALI , WAL-BUKH-LI WAL-JUBNI, WADHALA-I DDAINI WAGHALABATI RRJAAL)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nze n'ewogoma jooli omponye : okweraliikirira n'okunakuwala , n'okulemwa n'obugayaavu , n'obukodo n'obutiitiizi n'okulemwa okusasula ebbanja , n'okujoogebwa kw'abasajja) .

35 – EDDUWA NGA OFUNYE EKIZIBU .

۱۲۲ - ((لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ الْعَظِيمُ الْحَلِيمُ ، لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ رَبُّ الْعَرْشِ الْعَظِيمُ ، لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ

رَبُّ السَّمَوَاتِ وَرَبُّ الْأَرْضِ وَرَبُّ الْعَرْشِ
الْكَرِيمِ))

122 - ((LAA ILAAHA ILLA LLAHUL-
AZWIIMUL-HALIIM , LAA ILAAHA ILLA
LLAHU RABBUL-ARSHIL-AZWIIM , LAA
ILAAHA ILLA LLAHU RABBU SSAMAAWATI
WARABBUL-ARDHI WARABUL-ARSHIL-
KARIIM)) .

Amakulu :

(Teri kisinzibwa mubutuufu okujjako
Allah ow'ekitiibwa omukw'ata mpola
Teri asinzibwa mubutuufu okujjako
Allah omugulumivu omulezi
wannamulondo , Teri asinzibwa
mubutuufu okujjako Allah omulezi
w'amagulu omusanvu nensi omusanvu
, era oy'owekitiibwa omulezi
wannamulondo) .

١٢٣ - ((اللَّهُمَّ رَحْمَتَكَ أَرْجُو فَلَا تَكِلْنِي إِلَى
 نَفْسِي طَرْفَةَ عَيْنٍ ، وَأَصْلِحْ لِي شَأْنِي كُلَّهُ ، لَا
 إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ)).

123 - ((ALLAHUMMA RAHMATAKA ARJUU
 FALAA TAKILNII ILAA NAFSII TWARFATA
 AININ , WASW-LIH LII SHA-ANII KULLAHU ,
 LAA ILAAHA ILLA ANTA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah okusaasirakwo
 kwensuubira kwokka (nkusaba) oleme
 kunjabulira wadde olutemya lw'eriiso ,
 era longoosa embeera yange yonna ,
 tewali asinzibwa mubutuufu okujjako
 ggwe) .

١٢٤ - ((لَا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ سُبْحَانَكَ إِنِّي كُنْتُ
مِنَ الظَّالِمِينَ)) .

124 - ((LAA ILAAHA ILLA ANTA SUB-
HAANAKA INNII KUNTU MINA
ZZWAALIMIIN)) .

Amakulu :

(Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako ggwe , wayawukana kubyonna ebikendeevu , mazima nze mbadde mubalyazaamaanyi) .

١٢٥ - ((اللَّهُ اللَّهُ رَبِّي لَا أُشْرِكُ بِهِ شَيْئًا)) .

125 - ((ALLAHU ALLAHU RABBII LAA USH-
RIKU BIHI SHAY-AN)) .

Amakulu :

(Allah , Allah yemulezi wange simugattako kintu kyonna) .

**36 – EDDUWA ESOMWA NGA
OSISINKANYE OMULABE OBA
OW'OBUYINZA .**

١٢٦ - ((اللَّهُمَّ إِنَّا نَجْعَلُكَ فِي نُحُورِهِمْ
وَنَعُوذُ بِكَ مِنْ شُرُورِهِمْ)).

126 - ((ALLAHUMMA INNAA NAJ-ALUKA
FII NUHUURIHIM WANAUUZHU BIKA MIN
SHURUURIHIM)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima ffe tukuteeka
munsingo zabwe era tw'ewogoma
jooli otuwonye obubi bwabwe) .

١٢٧ - ((اللَّهُمَّ أَنْتَ عَضِدِي ، وَأَنْتَ
نَصِيرِي ، بِكَ أَجُولُ ، وَبِكَ أَصُولُ ، وَبِكَ
أُقَاتِلُ)).

127 - ((ALLAHUMMA ANTA ADHUDII , WA ANTA NASWIIRII , BIKA AJUULU , WABIKA ASWUULU , WABIKA UQAATIL)) .

Amakulu :

(Ayi Allah ggwe muyambi wange , era ggwe mutaasa wange , netooloola nga nnwaanyisa abalabe kululwo , nennetooloola mubalabe kulwobusobozibwo era nennwaana kulw'maanyigo) .

۱۲۸ - ((حَسْبُنَا اللَّهُ وَنِعْمَ الْوَكِيلُ)) .

128 - ((HASBUNAA LLAHU WANI -AMAL-WAKIIL)

Amakulu :

(Allah atumala (okutuwonya obubi bw'abwe) era mubeezi mulungi nnyo).

**37 – EDDUWA ESOME BWA NGA
OTIDDE OBULY'AZAAMANYI
BW'OMUFUZI .**

١٢٩ - ((اللَّهُمَّ رَبَّ السَّمَوَاتِ السَّبْعِ ،
وَرَبَّ الْعَرْشِ الْعَظِيمِ ، كُنْ لِي جَارًا مِنْ فُلَانِ
ابْنِ فُلَانِ ، وَأَحْزَابِهِ مِنْ خَلَائِقِكَ ، أَنْ يَفْرُطَ
عَلَيَّ أَحَدٌ مِنْهُمْ أَوْ يَطْغَى ، عَزَّ جَارُكَ ، وَجَلَّ
تَنَازُوكُ ، وَلَا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ)) .

129 - ((ALLAHUMMA RABBA
SSAMAAWAATI SSAB-I , WARABBAL-
ARSHL-AZWIIM , KUN LII JAARAN MIN
FULLANI BIN FULAANIN , WA AHZAABIHI
MINI KHALAA-IQIKA , AN YAFRUTWA
ALAYYA AHADUN MINIHUM AW-YATW-
GHAA, AZZA JAARUKA, WAJALLA
THANAA-UKA, WALAA ILAAHA ILLA ANTA)

Amakulu :

(Ayi Allah omulezi w'amagulu omusanvu , era omulezi wannamulondo engulumivu , nkusaba obeere mukuumi wange omponye gundi mutabanyi wagundi (wano oyatula amannyage) n'ebibinjabye okuva mubitondebyo , (wabulewo) omuntu antuusaako akabi oba ansukirirako mubujeemu , era okukuumakwo kw'akitiibwa nnyo , era n'okusuutibwakwo kw'akitiibwa nnyo, teri asinzibwa mubutuufu okujjako ggwe) .

١٣٠ - ((اللهُ أَكْبَرُ ، اللهُ أَعَزُّ مِنْ خَلْقِهِ
جَمِيعًا ، اللهُ أَعَزُّ مِمَّا أَخَافُ وَأَحْذَرُ ، أَعُوذُ

بِاللَّهِ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ ، الْمُمْسِكِ السَّمَوَاتِ
 السَّبْعِ أَنْ يَقَعْنَ عَلَى الْأَرْضِ إِلَّا بِإِذْنِهِ ، مِنْ
 شَرِّ عَبْدِكَ فُلَانٍ ، وَجُنُودِهِ وَأَتْبَاعِهِ وَأَشْيَاعِهِ
 مِنَ الْجِنِّ وَالْإِنْسِ ، اللَّهُمَّ كُنْ لِي جَارًا مِنْ
 شَرِّهِمْ ، جَلِّ تَنَاوُكَ وَعَزِّ جَارِكَ ، وَتَبَارَكَ
 اسْمُكَ ، وَلَا إِلَهَ غَيْرُكَ))

130 - ((ALLAHU AKBAR , ALLAHU AAZZU
 MIN KHALIQIHI JAMII-AN , ALLAHU AAZZU
 MIMMAA AKHAAFU WA AHZHARU ,
 AUUZHU BILLAHI LLAZHII LAA ILAAHA
 ILLA HUWA , AL-MUMSIKI SSAMAAWAATI
 SSAB-I AN YAQA-ANA ALAL ARDHI ILLA BI-
 IZHNIHI , MIN SHARRI ABDIKA FULAANIN ,
 WAJUNUUDIHI WA ATBAA-IHI WA ASH-
 YAA-IHI , MINAL-JINNI WAL-INSI ,
 ALLAHUMMA KUN LII JAARAN MIN

SHARRIHIM , JALLA THANAA-UKA WA
AZZA JAARUKA , WATABAARAKA ISMUKA .
WALAA ILAAHA GHAIROKA)) *3 .

Amakulu :

(Allah munene nnyo , Allah
w'akitiibwa nnyo kubitondebye ,
Allah y'asinga ebyo byentya era
byeneekeka ekitiibwa , n'ewogoma
eri Allah oyo eteri asinzibwa
mubutuufu okujjako yye ,
awaniridde amagulu omusanvu
obutagwa kungsi okujjako nga
akkirizza , omponye obubi
bw'omuudduwo gundi (omw'ogera
erinnya) , n'amajege
n'abagoberezibe n'ebibiinabye
mumajinni nemubantu , Ayi Allah
nkusaba obeere mutasa wange
omponye obubi bw'abwe ,

okusuutibwakwo kw'akitiibwa nnyo
era okutaasakwo kw'akitiibwa ,
n'erinnyalyo ly'amukisa , era tewali
kisinzibwa mubutuufu ekitali ggwe)

38- EDDUWA ESOME BWA NGA OTIDDE EKIBIINA KY'ABANTU

١٣١ - ((اللَّهُمَّ مُنْزِلَ الْكِتَابِ ، سَرِيعِ
الْحِسَابِ ، اهْزِمِ الْأَحْزَابَ ، اللَّهُمَّ اهْزِمِمْهُمْ
وَزَلِّزْلِهِمْ)) .

131 - ((ALLAHUMMA MUNZIL-KITAABI ,
SARII-AL HISAABI , IHZIMIL-AHZAABA ,
ALLAHUMMA IH-ZIM-HUM WAZAL-
ZILHUM))

Amakulu :

(Ayi Allah nnyini kussa kitabo
(Qur'an) , omwangu w'okubala ,

nkusaba olemese ebibinja ebyo (ebitulwanyisa) , Ayi Allah balemese era obakankanye) .

**39 – EDDUWA OYO ATIDDE
EKIBIINA KY'ABANTU
GY'ASOMA .**

. ((اللَّهُمَّ اكْفِنِهِمْ بِمَا شِئْتَ)) - ۱۳۲

132 - ((ALLAHUMMA IKFINIHIM BIMAA SHI-ITA))

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba obammalire n'ekyo kyonna kyoyagala) .

**40 – EDDUWA OYO AFUNYE
OKUBUUSABUUSA
MUBUKKIRIZA GY'ASOMA .**

133 – Omuntu abuusabuusizza mubukkirizabwe y'ewogoma eri Allah amuwonye sitaani emuleetedde ekyo bw'ati :

((AUUZHU BILLAHI MINA SSHAITWAANI RRAJIIM)) .

– Yeewala ekyo kyafunyemu okubuusabuusa .

((آمَنْتُ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ)) - ۱۳۴

134 – Agamba nti :- ((AAMANTU BILLAHI WARUSULIHI)) .

Amakulu :

(Nzikirizza Allah n'ababaka be) .

135- Asoma aya ya Allah eno :

136 - ((ALLAHUMMA IKFINII BIHALAALIKA ANI HARAAMIKA WA AGHNINII BIFADH-LIKA AMMAN SIWAAK))

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba ommalire (Ebbanja nga nzija) mu byewakkiriza okukozesa , omponye byewaziyiza era ongaggawaze n'ebirungibyoo kuyenna atali ggwe) .

۱۳۷ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الْهَمِّ

وَالْحَزَنِ ، وَالْعَجْزِ وَالْكَسَلِ ، وَالْبُخْلِ وَالْجُبْنِ

، وَضَلَعِ الدَّيْنِ وَغَلَبَةِ الرِّجَالِ)) .

137 - (Edduwa eno ewandiikiddwa era nevvuunulwa kudduwa No.121 .

**42 – EDDUWA
Y'OKULABANKANYIZIBWA
MUSSWALA NEMUKUSOMA .**

((أَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ)) - ۱۳۸

138- Wewogoma eri Allah akuwonye
sitaani eyakolimirwa bw'oti :

((AUUZHU BILLAHI MINA SSHAITWAANI
RRAJIM)) .

Oluvannyuma owanda olulusulusu
kuluddalwo olwakkono emirundi
esatu.

**43 – EDDUWA OYO ALINA
ENSONGA EMUKALUBIRIDDE
GY'ASOMA**

١٣٩ - ((اللَّهُمَّ لَا سَهْلَ إِلَّا مَا جَعَلْتَهُ سَهْلًا
وَأَنْتَ تَجْعَلُ الْحَزْنَ إِذَا شِئْتَ سَهْلًا)) .

139 - ((ALLAHUMMA LAA SAHLA ILLA
MAA JA-ALTAHU SAHLAN WA ANTA TAJ-
ALUL-HAZNA IZHA SHIITA SAHLAN)) .

Amakulu :

(Ayi Allah teri kyangu okujjako ekyo
ky'ofudde ekyangu , era ggwe bw'oba
oyagadde ennaku ojifuule ssanyu) .

**44 – BY'AYOGERA ERA
BY'AKOLA OYO AKOZE
EKY'ONOONO .**

140 - Omuntu singa akola eky'onoono
bino by'akola :

1 – Okw'etukuza okujjuvu .

2 – Asaala eraaka bbiri eza ssunnah .

3 – Oluvannyuma y'egayirira Allah nga asaba okumusonyiwa ((ASTAGH-FIRU LLAH)).

Bw'akola ebyo Allah waakisa nnyo amusonyiwa .

**45 – EDDUWA EZIGOBA SITAANE
N'OKULABANKANYA KW'AYO .**

141 - Okw'ewogoma eri Allah ajikuwonye bw'oti : ((AUUZHU BILLAHI MINA SSHAITWAANI RRAJIIM)) .

142 - Okw'Aziina nakwo kugoba sitaane .

143 – Okutendereza Allah n'okumwogerako kigoba sitaane , n'okusoma Qur'an nakwo kukw'esambya sitaane , era Nabbi (S.A.W) yatugaana amayumba gaffe

okugafuula entaana , n'atuwa amagezi
tugasomerengamu Qur'an , naddala
essuula ey'okubiri (Bakara) , kuba
sitaani tebeera munnyumba
esomerwaamu essuula eyo .

Nabw'ekityo okutendereza
okw'okumakya n'olweggulo ,
nedduwa nga ogenda okw'ebaka ,
nez'osoma nga ozuukuse , nez'osoma
nga otuuse awaka , bigoba era
nebikw'esambya sitaane .

**46 – EDDUWA ESOME BWA NGA
WAGUDDUWO EKITAKUSIIMYA OBA
OWANGUDDWA KUNSONGA YONNA .**

. ((قَدَّرَ اللهُ وَمَا شَاءَ فَعَلَ)) .

**144 - ((QADDARA LLAHU WAMAA
SHAA-A FA-ALA)) .**

Amakulu :

(Ekyo kibaddewo lw'akugera kwa Allah , era ky'ayagala kyakola) .

NB. Omukkiriza bw'atukibwaako ekintu kyonna ky'atayagadde tagamba nti : (Singa nakoze bwenti nebweni sandifunye buzibu buno) , wabula ebigambo ebyo waggulu by'asaana okw'ogera , olwonno ekimutuuseeko lwakifunamu empeera ennungi eri Allah singa aba agumiikirizza , era n'akakasa nti kubadde kw'agala kwa Allah nakumugezesa .

**47 – OKUYOZAYOZA
GWEBAZAALIDDE OMWAANA
N'OKWAANUKULA KWE .**

١٤٥ - ((بَارَكَ اللهُ لَكَ فِي الْمَوْهُوبِ لَكَ،

وَشَكَرْتَ الْوَاهِبَ، وَبَلَغَ أَشُدَّهُ، وَرَزَقْتَ بِهِ))

145 - ((BAARAKA LLAHU LAKA FIIL-
MAUHUUBI LAKA WASHAKARTAL-
WAAHIBA , WABALAGA ASHUDDAHU ,
WARUZIQTA BIRRAHU)) .

Amakulu :

(Allah akuteekere omukisa mw'ekyo
ky'akuwadde , era beera nga weebaza
omugabi , era omwana oyo akule
oweebwe okukuyisa obulungi) .

Gwebayozaayozezza bino byaddamu:

((بَارَكَ اللهُ لَكَ وَبَارَكَ عَلَيْكَ ، وَجَزَاكَ اللهُ

خَيْرًا وَرَزَقَكَ مِثْلَهُ وَأَجْزَلَ ثَوَابِكَ)) .

((BAARAKA LLAHU LAKA WABAARAKA
ALAIKA , WAJAZAACA LLAHU KHAIRAN ,

WARAZAQAKA LLAHU MITHLAHU , WA AJ-
ZALA THAWAABAKA)) .

Amakulu :

(Allah Akuwe emikisa , era akusasulemu birungi , akugabire amufaanana , era ayitirize empeerayo)

48 – EDDUWA ESOME BWA OKUKINGIRIZA ABAANA SITAANI .

146 - Yali omubaka wa Allah – Allah asse kuye ebyengera n'emirembe – nga akinga Hasan ne Husein (bazzukulube) n'ebigambo bino :

«أُعِيذُكُمْ بِكَلِمَاتِ اللَّهِ التَّامَّةِ مِنْ كُلِّ شَيْطَانٍ
وَهَامَّةٍ ، وَمِنْ كُلِّ عَيْنٍ لَامَّةٍ .»

((U-IZHUKUMA BIKALIMAATI LLAHI
TTAAMMATI MIN KULLI SHAITWAANIN
WAHAAMAH , WAMIN KULLI AININ
LAAMAH))

Amakulu :

(Mbewogomya mwembiriri eri Allah
nga n'eyambisa ebigambo bye ebijjuvu
abawonye akabi kabuli sitaani nabuli
ekitambula , era abawonye buli riiso
erikosa) .

49 – OKUSABIRA OMULWADDE NGA OMULAMBUDDE .

. ((لَا بَأْسَ طَهُورًا إِنْ شَاءَ اللَّهُ)) - ١٤٧

147 - ((LAA BA-ASA TWAHUURUN
INSHAA-A LLAH)) .

Amakulu :

(Tewali kibi ojja kuwona era osangulw'eko eby'onoono Allah bw'anaaba ayagadde) .

١٤٨ - ((أَسْأَلُ اللَّهَ الْعَظِيمَ رَبَّ الْعَرْشِ

الْعَظِيمِ أَنْ يَشْفِيكَ)) (سبع مرات) .

148 - ((AS-ALU LLAHAL-AZWIIMA RABBAL-ARSHIL-AZWIIMI ANI YASHIFIYAKA)) . *7 .

Amakulu :

(Nsaba Allah owekitiibwa omulezi wannamulondo engulumivu akuwonye) .

NB. Singa olambula omulwadde nga entuukoze tezinnaba kutuuka n'omusabira edduwa eyo emirundi musanvu (7) Allah amuwonya obulwadde obwo .

**50 – OBULUNGI
BW'OKULAMBULA
OMULWADDE .**

149 - Yagamba Nabbi – Allah asse kuye ebyengera n'emirembe nti :-
(Singa omuntu agenda okulambula mugandawe omusiraamu , omulwadde abeeranga atambulira mubibala by'omujjanah okutuusa lw'atuula , bw'amala okutuula abuutikirwa okusaasira , bwekiba nga kiseera ky'akumakya malaika emitwaalo musanvu (70000) zimusabira okutuusa lwebuwungeera , bwekibeera nga kiseera ky'alwaggulo malaika

emitwaalo musanvu zimusabira
okutuusa lwebukya) .

**51 – OKUSABA
KW'OMULWADDE ALABA NGA
TAJJA KUWONA .**

١٥٠ - ((اللَّهُمَّ اغْفِرْ لِي وَارْحَمْنِي وَأَلْحِقْنِي
بِالرَّفِيقِ الْأَعْلَى)) .

150 - ((ALLAHUMMA GHFIRLII WAR-
HAMNII WA-ALHIQNI BIRRAFIIQIL-AALAA)

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba onsonyiwe ,
onsaasire era onsisinkanye
n'omwagalwa ow'awaggulu ennyo) .

151-(Nabbi (S.A.W) mubulwaddebwe
obw'avaako okufakwe yali annyika

ebibatu bye mumazzi ney'esiimuula muky'enyikyeye nga bw'agamba :

١٥١ - (لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ إِنَّ لِلْمَوْتِ لَسَكْرَاتٍ) .

((LAA ILAAHA ILLA LLAHU , INNA FIL-MAUTI LASAKARAATIN)) .

Amakulu :

(Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah , mazima okufa kulina obukaawu) .

١٥٢ - ((لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَاللَّهُ أَكْبَرُ ، لَا إِلَهَ إِلَّا

اللَّهُ وَحْدَهُ ، لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ

، لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ ، لَا إِلَهَ

إِلَّا اللَّهُ وَلَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ)) .

152 - ((LAA ILAAHA ILLA LLAHU WALLAHU AKBAR , LAA ILAAHA ILLA

LLAHU WAHDAHU , LAA ILAAHA ILLA
LLAHU WAHDAHU LAA SHARIIKA LAHU ,
LAA ILAAHA ILLA LLAHU LAHUL-MULKU
WALAHUL-HAMDU , LAA ILAAHA ILLA
LLAHU WALAA HAULA WALAA QUWWATA
ILLA BILLAH)) .

Amakulu :

(Tewali asinzibwa mubutuufu
okujjako Allah era Allah y'asinga
obunene , Tewali asinzibwa
mubutuufu okujjako Allah yekka ,
Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako
Allah yekka talina kimw'egattako ,
Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako
Allah bubwe obufuzi bwonna
n'amatendo amalungi gonna gage .
Tewali asinzibwa mubutuufu okujjako
Allah era teri busobozi wadde amaanyi

okujjako bibaawo lwakw'agala kwa Allah) .

**52 – OKUYIGIRIZA (okujjusa)
ASEMBEREDDE OKUFA .**

153 - Omuntu singa asemby'ayo n'okwaatula ekigambo ((LAA ILAAHA ILLA LLAH)) n'amala afa ayingira ejjana

**53 – EDDUWA ESOME BWA
ATUUKIDDWAAKO EKIZIBU .**

١٥٤ - ((إِنَّا لِلَّهِ وَإِنَّا إِلَيْهِ رَاجِعُونَ ، اللَّهُمَّ
أَجْرُنِي فِي مُصِيبَتِي وَأَخْلِفْ لِي خَيْرًا مِنْهَا)) .

154 - ((INNA LILLAHI WA INNA ILAIHI
RAAJI-WUUNA , ALLAHUMMA AJURNII FII

MUSWIIBATI WA AKH-LIF LII KHAIRAN
MINIHA)) .

Amakulu :

(Mazima ffe tuli ba Allah era mazima
tugenda kudda jaali , Ayi Allah
nkusaba mukizibu kyange onsasulemu
empeera era onzirizeewo ekisinga
obulungi) .

**54 – EDDUWA ESOME BWA
MUKISEERA KY'OKUZIBA
AMAASO G'OMUFU .**

– ((اللَّهُمَّ اغْفِرْ - لِفُلَانٍ (بِاسْمِهِ) -
وَأَرْفَعْ دَرَجَتَهُ فِي الْمَهْدِيِّينَ ، وَاخْلُفْهُ فِي عَقْبِهِ

فِي الْغَابِرِينَ ، وَاعْفِرْ لَنَا وَلَهُ يَا رَبَّ الْعَالَمِينَ
 وَافْسَحْ لَهُ فِي قَبْرِهِ وَنُورْ لَهُ فِيهِ)) .

155 - ((ALLAHUMMA GHFIR LI (amannya
 g'omufu) WARFA-A DARAJATAHU FIL-
 MAHDIYYIIN , WAKH-LUFHU FII AQIBIHI
 FIL-GHAABIRIIN , WAGH-FIR LANA
 WALAHU YAA RABBAL-AALAMIIN ,
 WAFSAH LAHU FII QABRIHI WANAWWIR
 LAHU FIIH)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba osonyiwe gundi
 (oyogera amannyage) omusitule
 eddaala abeere mubaalungamizibwa ,
 omusikize mubyalese
 ekin'amusonyiyisa eby'ayitira ,
 otusonyiwe naye omusonyiwe owange
 ggwe omulezi w'ebitonde byonna , era

omugaziyirize muntaanaye era
ojimuteekeremu ekitangaala) .

**55 – EDDUWA ESABIRWA
OMUFU NGA ASAALIRWA .**

١٥٦ - ((اللَّهُمَّ اغْفِرْ لَهُ وَارْحَمْهُ ، وَعَافِهِ ،
وَأَعْفُ عَنْهُ ، وَأَكْرِمْ نُزُلَهُ ، وَوَسِّعْ مُدْخَلَهُ ،
وَاعْسِلْهُ بِالْمَاءِ وَالثَّلْجِ وَالْبَرَدِ ، وَنَقِّهِ مِنَ
الْخَطَايَا كَمَا نَقَّيْتَ الثَّوْبَ الْأَبْيَضَ مِنَ الدَّنَسِ
، وَأَبْدِلْهُ دَارًا خَيْرًا مِنْ دَارِهِ ، وَأَهْلًا خَيْرًا مِنْ
أَهْلِهِ ، وَزَوْجًا خَيْرًا مِنْ زَوْجِهِ ، وَأَدْخِلْهُ الْجَنَّةَ
، وَأَعِزَّهُ مِنْ عَذَابِ الْقَبْرِ [وَعَذَابِ النَّارِ]) .

156 - ((ALLAHUMMA IGHFIR LAHU
WARHAMHU , WA-AAFIH , WA-AF ANIHU ,
WA AKRIM NUZULAHU , WAWASSI-I
MUDKHALAHU , WAGHSILHU BIL-MAA-I
WATTHALJI WALBARAD , WANAQQIHI
MINAL-KHATWAAYAA KAMAA NAQQAITA
TTHAUBAL-AB-YADHA MINA DDANAS , WA
ABDILHU DAARAN KHAIRAN MIN DAARIH ,
WA AH-LAN KHAIRAN MINI AHLIHI ,
WAZAUJAN KHAIRAN MIN ZAUJIH , WA
ADKHILHUL-JANNATA , WA AIZHIHU MINI
AZAABIL-QABR WA AZHAABI NNAAR)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba omusonyiwe era
omusaasire , omuwe obulamu
bw'omututtemu obulungi omuwonye
ebibonerezo , omutegekere ekifo
ekirungi , ogaziye ekifo mw'ayingidde
omunaaze n'amazzi n'omuzira ,
omutukuze aveeko eby'onoono nga
bwelutukuzibwa olugoye olweeru

neluvaamu ekko , omuw'anyisizeemu
 enju ennungi esinga ennyumbaye
 jaalese , n'abantu abalungi okusinga
 abantube baalese , n'omukyaala
 omulungi asinga mukyaalawe gwalese
 , omuyingize ejjanah , omukingirize
 ebibonerezo by'omuntaana
 n'ebibonerezo by'omuliro) .

١٥٧ - ((اللَّهُمَّ اغْفِرْ لِحَيِّنَا وَمَيِّتِنَا ، وَشَاهِدِنَا
 ، وَغَائِبِنَا وَصَغِيرِنَا وَكَبِيرِنَا ، وَذَكَرْنَا وَأُنْشَأَنَا .
 اللَّهُمَّ مَنْ أَحْيَيْتَهُ مِنَّا فَأَحْيِهِ عَلَى الْإِسْلَامِ ،
 وَمَنْ تَوَفَّيْتَهُ مِنَّا فَتَوَفَّهُ عَلَى الْإِيمَانِ ، اللَّهُمَّ لَا
 تَحْرِمْنَا أَجْرَهُ وَلَا تُضِلَّنَا بَعْدَهُ)) .

157 - ((ALLAHUMMA GHFIR LIHAYYINAA ,
WAMAYYITINAA WASHAAHIDINAA ,
WAGHAAIBINAA , WASWAGHIIRINAA
WAKABIIRINAA , WAZHAKARINAA WA
UNTHAANAA , ALLAHUMMA MANI
AHYAITAHU MINNAA FA-AHYIHI ALAL-
ISLAAM , WAMAN TAWAFFAITAHU
MINNAA FATAWAFFAHU ALAL-IIMAAN ,
ALLAHUMMA LAA TAHRIMNAA AJRAHU
WALAA TUDHILLANAA BA-ADAH)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba osonyiwe
abakyaali abalamu muffe n'abafu ,
Abali wano n'abataliiwo muffe , Abato
n'abakulu muffe , Abaami n'abakyaala
muffe , Ayi Allah gw'oba owadde
obulamu muffe muwangaalaze
kubusiraamu , Ate gw'oba ofiisizza
muffe mufiisize kubukkiriza . Ayi
Allah totumma (totuziyiza) mpeera

ey'okumusaalira , era totubuza
luvannyumalwe) .

١٥٨ - ((اللَّهُمَّ إِنَّ فُلَانَ بْنَ فُلَانَ فِي ذِمَّتِكَ
، وَحَبْلِ جِوَارِكَ ، فَقِهِ مِنْ فِتْنَةِ الْقَبْرِ وَعَذَابِ
النَّارِ ، وَأَنْتَ أَهْلُ الْوَفَاءِ وَالْحَقِّ ، فَاعْفِرْ لَهُ
وَارْحَمْهُ إِنَّكَ أَنْتَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ)) .

158 - ((ALLAHUMMA INNA FULAANA BIN
FULAAN (oyogera amannyage) FII
ZHIMMATIKA , WAHABLI JIWAARIKA ,
FAQIHI MIN FITNATIL-QABR WA AZHAABA
NNAAR , WA ANTA AHLUL-WAFAA-I WAL-
HAQQI , FAGHFIR LAHU WARHAMHU
INNAKA ANTA GHAFUURU RRAHIMM)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima gundi mutabanyi
wa gundi (oyogera mannyage) ali

mubuyinzabwo era ali kumpi nnyo n'awe , tukusaba omukingirize ebikemo by'omuntaana n'ebibonerezo by'omuliro , ggwe nannyini kutuukiriza era ggwe ow'amazima , kale musonyiwe era omusaasire mazima ggwe , gwe musonyiyi omusaasizi) .

١٥٩ - ((اللَّهُمَّ عَبْدُكَ وَابْنُ أُمَّتِكَ أَحْتَاَجُ إِلَى رَحْمَتِكَ ، وَأَنْتَ غَنِيٌّ عَنْ عَذَابِهِ ، إِنْ كَانَ مُحْسِنًا فَزِدْ فِي حَسَنَاتِهِ ، وَإِنْ كَانَ مُسِيئًا فَتَجَاوَزْ عَنْهُ)) .

159 - ((ALLAHUMMA ABDUKA WABN AMATIKA IH-TAAJA ILAA RAHMATIKA , WA ANTA GHANIYYUN ANI AZHAABIHI , IN KAANA MUHSINAN FAZID FII HASANAATIHI

, WA IN KAANA MUSII-AN FATAJAAWAZ ANIHU)) .

Amakulu :

(Ayi Allah omudduwo mutabanyi w'omuzaanawo mw'etaavu eri okusaasirakwo , ate ggwe teweeetaaga kumubonereza , tukusaba bw'aba abadde mukozi w'abirungi omwongere empeera mubirungibye , ate mw'aba nga abadde musobya musonyiwe) .

**12 – EDDUWA ESOMERWA
OMWAANA OMUTO
MUKUMUSAALIRA .**

. ((اللَّهُمَّ أَعِذْهُ مِنْ عَذَابِ الْقَبْرِ)) . ۱۶۰

((اللَّهُمَّ اجْعَلْهُ فَرَطًا وَذُخْرًا لَوَالِدَيْهِ ، وَشَفِيعًا مُجَابًا . اللَّهُمَّ ثَقِّلْ بِهِ مَوَازِينَهُمَا وَأَعْظِمْ بِهِ أَجُورَهُمَا ، وَالْحَقُّهُ بِصَالِحِ الْمُؤْمِنِينَ ، وَاجْعَلْهُ فِي كِفَالَةِ إِبْرَاهِيمَ ، وَقِهِ بِرَحْمَتِكَ عَذَابَ الْجَحِيمِ ، وَأَبْدَلْهُ دَارًا خَيْرًا مِنْ دَارِهِ ، وَأَهْلًا خَيْرًا مِنْ أَهْلِهِ ، اللَّهُمَّ اغْفِرْ لَأَسْلَافِنَا ، وَأَفْرَاطِنَا ، وَمَنْ سَبَقَنَا بِالْإِيمَانِ)) .

160 - ((ALLAHUMA A-IZHIHU MINI AZHAABIL-QABR)) .

Oba oyinza okusoma bino :

((ALLAHUMMA IJ-ALUHU FARATWAN WAZHUKHRAN LIWAALIDAIHI , WASHAFI-AN MUJAABAN . ALLAHUMMA THAQQIL BIHI MAWAAZIINAHUMA , WA AAZWIM

BIHI UJUURAHUMA , WA ALHIQHU
BISWAALIHIL-MUUMINIIN , WAJ-ALHU FII
KAFALATI IBRAAHIIMA , WAQIHI
BIRAHMATIKA AZHAABAL-JAHIIM , WA
ABDILHU DAARAN KHAIRAN MIN DAARIH ,
WA AHLAN KHAIRAN MIN AHLIHI ,
ALLAHUMMA IGHFIR LI-ASRAAFINAA , WA
AFRAATWINAA WAMAN SABAQANAA BIL-
IIMAAAN)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba omukingirize
ebibonerezo by'omuntaana) .

Oba : (Ayi Allah omw'ana ono
mufuule akulembedde bakaddebe
okuyingira ejjana era mufuule
ekitereko eri abazaddebe , era
omuwolereza ayanukulwa . Ayi Allah
zitoya ebipimo by'abwe
kulw'omwaana ono , era obaweemu
empeera nnene , omusisinkanye

n'abakkiriza abalongoofu , omuteeke mukulabirirwa kwa Ibrahiim , omukingirize kulw'okusaasirakwo ebibonerezo by'omuliro Jahiim , omuwaanyisizeemu enju ennungi okusinga jabaddemu , n'abantu abalungi okusinga babadde nabo , Ayi Allah tukusaba osonyiwe abaatukulembera abakulu n'abaana baffe abaafa nga bato , nabuli yenna eyatukulembera mukukkiriza) .

١٦١ - اللَّهُمَّ اجْعَلْهُ لَنَا فَرَطًا ، وَسَلَفًا ، وَأَجْرًا

161 - ((ALLAHUMMA IJ-ALHU LANAA FARATWAN , WASALAFAN , WA AJ-RAN)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tufuulire omw'ana ono atukulembede (okuyingira ejjana) era omutufuulire empeera) .

**57 – EDDUWA ESOME BWA
MUKUKUBAGIZA .**

١٦٢ - إِنْ لِلَّهِ مَا أَخَذَ ، وَلَهُ مَا أُعْطِيَ وَكُلُّ شَيْءٍ عِنْدَهُ بِأَجَلٍ مُّسَمًّى ، فَلْتَصْبِرْ وَلْتَحْتَسِبْ

162 - ((INNA LILLAHI MAA AKHAZHA , WALAHU MAA AATWAA , WAKULLU SHAY-
IN INDAHU BI-AJALIN MUSAMMAN ...
FALTASW-BIR WALTAHTASIB)) .

Amakulu :

(Mazima Allah kyeyatutte kikyeye , era by'agaba bibye , era buli kimu kirina entuuko ezimanyiddwa jaali , kale

gumiikiriza era osuubire empeera ewa Allah) .

أَعْظَمَ اللَّهُ أَجْرَكَ وَأَحْسَنَ عَزَاءَكَ وَغَفَرَ لِمِيتِكَ

Oba oyinza okusoma eno :-

((AAZWAMA LLAHU AJRAKA , WA AHSANA AZAA-AKA WA GAFARA LIMAYYITIKA)) .

Amakulu :

(Allah akuweemu empeera nnene , era okugumye asonyiwe n'omufuuwo).

58 – EDDUWA ESOME BWA NGA OMUFU AYINGIZIBWA MUNTAANA .

١٦٣ - ((بِسْمِ اللَّهِ وَعَلَى سُنَّةِ رَسُولِ اللَّهِ)) .

163 - ((BISMILLAHI WA ALA SUNNATI RASUULI LLAH)) .

Amakulu :

(Tumuteekayo nga tusooka okw'ogera kulinnya lya Allah , era nga tuli kunkola y'omubaka wa Allah) .

59 – EDDUWA ESOME BWA OLUVANNYUMA LW'OKUZIIKA

١٦٤ - ((اللَّهُمَّ اغْفِرْ لَهُ اللَّهُمَّ تَبِّتُهُ)) .

164 - ((ALLAHUMMA GHFIR LAHU ALLAHUMMA THABBIT-HU)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba omusonyiwe Ayi Allah nkusaba omunyweze (asobole okuddamu ebibuuzo) .

NB. Kino tukikola kubanga nabbi (S.A.W) kennyini yakikola , olw'amalanga okuziika yagambanganga

nti : Musabire muganda wammwe okusonyiyibwa n'okunywezebwa kubanga kati abuzibwa .

Okusabira omufu kyawukana n'okumusomera Talakaini abantu ababuya jebeekwasa , kubanga bw'ojeetegereza teriimu kusabira mufu n'akatono .

60 – EDDUWA ESOME BWA MUKULAMBUULA ENTAANA .

١٦٥ - ((السَّلَامُ عَلَيْكُمْ أَهْلَ الدِّيَارِ ، مِنْ
الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُسْلِمِينَ ، وَإِنَّا إِن شَاءَ اللَّهُ بِكُمْ
لَآحِقُونَ [وَيَرْحَمُ اللَّهُ الْمُسْتَقْدِمِينَ مِنَّا
وَالْمُسْتَأْخِرِينَ] أَسْأَلُ اللَّهَ لَنَا وَلَكُمْ الْعَافِيَةَ)).

165 - ((ASSALAAMU ALAIKUM AHLA
DDIYAARI , MINAL-MUUMINIIN WAL-
MUSLIMIIN , WA INNAA INSHAA-A LLAHU
BIKUM LAAHIQUUN , WAYARHAMU
LLAHUL-MUSTAQDIMIINA WAL-MUSTA-
AKHIRIINA . AS-ALU LLAHA LANAA
WALAKUMUL-AAFIYA)) .

Amakulu :

(Emirembe jibeere kummwe
banannyini mayumba gano abakkiriza
era abajeemulukufu , mazima naffe
Allah b'waliba asazeewo tujja
kubasisinkana , era Allah tumusaba
asaasire ab'atukulembere n'abanajja
oluvannyuma , nsaba Allah atuwe ffe
nammwe obulamu obulungi) .

**61 – EDDUWA ESOME BWA
KULWEMPEWO (KIBUYAGA) .**

١٦٦ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ خَيْرَهَا ، وَأَعُوذُ
بِكَ مِنْ شَرِّهَا)).

166 - ((ALLAHUMMA INNII AS-ALUKA
KHAIRAHA , WA AUUZHU BIKA MIN
SHARRIHA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nze nkusaba otuwe
obulungi bwempewo eno bwezze
nabwo , era n'ewogoma jooli
otuwonye obubi bwempewo eno
bwezze nabwo) .

١٦٧ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ خَيْرَهَا وَخَيْرَ مَا
فِيهَا ، وَخَيْرَ مَا أُرْسِلَتْ بِهِ ، وَأَعُوذُ بِكَ مِنْ
شَرِّهَا وَشَرِّ مَا فِيهَا ، وَشَرِّ مَا أُرْسِلَتْ بِهِ)).

167 - ((ALLAHUMMA INNII AS-ALUKA
KHAIRAHA WAKHAIRA MAA FIIHA ,
WAKHAIRA MAA URSILAT BIHI , WA
AUUZHU BIKA MIN SHARRIHA , WASHARRI
MAA FIIHA , WASHARRI MAA URSILAT BIH)

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nze nkusaba otuwe
obulungi bwempewo eno n'obulungi
obujirimu , n'obulungi bwetumiddwa
nabwo , era n'ewogoma jooli
otuwonye obubi bw'ayo , n'obubi
obujirimu , n'obubi bwetumiddwa
nabwo) .

**62 – EDDUWA ESOME BWA NGA
LAADU EBWATUSE**

۱۶۸ - ((سُبْحَانَ الَّذِي يُسَبِّحُ الرَّعْدُ بِحَمْدِهِ
وَالْمَلَائِكَةُ مِنْ خِيفَتِهِ)) .

168 - ((SUBHAANA LLAZHII YUSABBIHU
RRA-ADU BIHAMDIHI WAL-MALAA-IKATU
MINI KHIIFATIHI)) .

Amakulu :

(Allah yayawukana kubitondebye
n'amatendoge oyo laadu nebamalaika
gwebatendereza olw'okumutya) .

63 – EDDUWA EZISOMEBWA NGA OSABA

OKUTONNYESEBWA ENKUBA

۱۶۹ - ((اللَّهُمَّ أَسْقِنَا غَيْثًا مُغِيثًا مَرِيئًا مَرِيئًا
، نَافِعًا غَيْرَ ضَارٍّ ، عَاجِلًا غَيْرَ آجِلٍ)) .

169 - ((ALLAHUMMA AS-QNAA GHAIHA MUGHIITHAN MARI-AN MARI-AN , NAAFI-AN GHAIHA DHAARIN , AAJLAN GHAIHA AAJILIN)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba otutonnyeze enkuba olutonnyesa olujimusa ensi , olw'omugaso olutali lw'akabi , nga lw'abuliwo sosi lw'akulindiriza) .

١٧٠ - اللَّهُمَّ اغْنِنَا ، اللَّهُمَّ اغْنِنَا ، اللَّهُمَّ اغْنِنَا .

170 - ((ALLAHUMMA AGHITH-NAA , ALLAHUMMA AGHITH-NAA , ALLAHUMMA AGHITH-NAA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba otutaase otutonnyeseze enkuba) *3 .

١٧١ - ((اللَّهُمَّ اسْقِ عِبَادَكَ ، وَبَهَائِمَكَ ،
وَأَنْشُرْ رَحْمَتَكَ ، وَأَخِي بَلَدَكَ الْمَيِّتَ)).

171 - ((ALLAHUMMA ASQI IBAADAKA
WABAHAA-IMAKA , WANSHUR
RAHMATAKA , WA AHYI BALADAKAL-
MAYYITA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah tonnyeseza abaddubo ,
n'ebisolobyo (enkuba) , os'asaanye
okusaasirakwo , era olamuse ensiiyo
enfu) .

64 – EDDUWA ESOME BWA SINGA ENKUBA ETONNYA

١٧٢ - ((اللَّهُمَّ صَيِّبًا نَافِعًا)).

172 -(ALLAHUMMA SWAYYIBAN NAAFI-AN)

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba otonnyese enkuba ennyingi ey'omugaso) .

**65 – OKUTENDEREZA NGA
ENKUBA ETONNYE**

. ((مُطِرْنَا بِفَضْلِ اللَّهِ وَرَحْمَتِهِ)) - ١٧٣

173 - ((MUTWIRNAA BIFADHLI LLAHI WARAHMATIH)) .

Amakulu :

(Tutonnyeseddwa enkuba
kulw'obulungi bwa Allah
n'okusaasirakwe) .

**66 – EDDUWA EZISOMEBWA
NGA OSABA ENKUBA EREME
KUKOSA**

١٧٤ - ((اللَّهُمَّ حَوَالَيْنَا وَلَا عَلَيْنَا ، اللَّهُمَّ
 عَلَى الْأَكَامِ وَالظَّرَابِ ، وَبُطُونِ الْأَوْدِيَةِ ،
 وَمَنَابِتِ الشَّجَرِ)) .

174 - ((ALLAHUMMA HAWAALAINAA
 WALAA ALAINAA . ALLAHUMMA ALAL-
 AAKAAMI WAZZWIRAABI , WABUTWUUNIL
 AUDIYATI , WAMANAABITI SSHAJAR)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba enkuba embi
 ojitonnyese bbali waffe sosiwano
 ewaffe . Ayi Allah etonnye mubifo
 ebisitufu nemunsozi , nemubisenyi
 nemubikolo by'emitu) .

**67 – EDDUWA ESOME BWA NGA
 OLABYE OMWEEZI**

١٧٥ - ((اللهُ أَكْبَرُ ، اللَّهُمَّ أَهْلُهُ عَلَيْنَا بِالْأَمْنِ
وَالْإِيمَانِ ، وَالسَّلَامَةِ وَالْإِسْلَامِ ، وَالتَّوْفِيقِ لِمَا
نُحِبُّ رَبَّنَا وَتَرْضَى ، رَبُّنَا وَرَبُّكَ اللهُ)).

175 - ((ALLAHU AKBAR , ALLAHUMMA
AHILLAHU ALAINAA BIL-AMNI WAL-
IIMAAN , WASSALAAMATI WAL-ISLAAM ,
WATTAUFIQ LIMAA TUHIBBU RABBANAA
WATARDHAA , RABBUNAA WARABBUKA
LLAH)) .

Amakulu :

(Allah y'asinga obunene , Ayi Allah
(omw'ezi guno) gutulabise nga tuli
muddembe era nga tuli bakkiriza , era
nga tuli balamu era abasiraamu , era
nga tuli abalungamiziddwa
kuky'oyagala era ky'osiima owange

ggwe mulezi waffe , omulezi waffe n'awe (omweezi) ye Allah) .

**68 – EDDUWA ESOME BWA NGA
OSIIBULUKUKA**

، ((ذَهَبَ الظَّمَاُ وَابْتَلَّتِ العُرُوْقُ ،
وَبَتَّ الأَجْرُ إِنْ شَاءَ اللهُ)) .

176 - ((ZHAHABA ZZWAMA-U WAB-
TALLATIL-URUUQU WATHABATAL-AJRU
INSHAA-A LLAH)) .

Amakulu :

(Ennyonta ewonye n'emisiwa nejitoba
, era okusasulwa kukakase Allah
bwa'naaba ayagadde) .

١٧٧ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ بِرَحْمَتِكَ الَّتِي وَسِعَتْ كُلَّ شَيْءٍ أَنْ تَغْفِرَ لِي)) .

177 - ((ALLAHUMMA INNII AS-ALUKA BIRAHMATIKA ALLATII WASI-AT KULLA SHAY-IN AN TAGHFIRA LII)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nkusaba kulw'okusaasirakwo okwaabuna buli kintu obeere nga onsonyiwa) .

69 – EDDUWA NGA TONNABA KULYA

178 ((بِسْمِ اللَّهِ)) - ١٧٨

Amakulu :

(Ntandika okulya nga nsooka okw'ogera kulinnya lya Allah) .

Nabbi yatulagira bwetubanga tutandika okulya tusookenga kw'ogera kulinnya Iya Allah , naye bwetubanga twerabidde okumw'ogerako mukutandika okulya tumw'ogereko wetujjukirira bwetuti :

((بِسْمِ اللّٰهِ فِيْ اَوَّلِهِ وَاٰخِرِهِ))

((BISMILLAHI FII AWWALIHI WA-
AAKHIRIHI))

Amakulu :

